# Omuzadde bw'alina okuyamba omwana obutayonoonekera ku mitimbagano

Bya EMMANUEL SSEKAGGO




BUKEDDE amaze akabanga ng'akulaga emize egy'enjawulo abaana gye basobola okuyigira ku masomero n'engeri gy'osobola okugirwanyisaamu ng'omuzadde era tukakasa nti, ggwe aze agoberera emboozi ezo tosigadde kye kimu.

Kaakano ate tutandise kaweefube ow'enjawulo agenda okukulaga obulabe omwana bw'asobola okufunira ku ssimu, ku kompyuta oba ku 'ttaabu' naddala ng'ali ku mutimbagano era n'okulaba engeri gye tuyinza okubayamba okubikozesa obulungi kubanga ate gwe mulembe gwe tuliko nti, ebirungi bingi by'oyinza okufuna singa bikozesebwa bulungi.

Ensi bw'egenze ekula, kya mazima nti, omwana okusobola okukula obulungi era ng'asobola bulungi n'okugoberera ensi bwetambula, essimu, ttaabu oba kompyuta agyetaaga. Kyokka mu birungi ebingi ebiri ku mutimbagano, ate n'okusoomoozebwa kungi okuliko kwe twetaaga okukwatako n'amaanyi amangi.

Olw'okusoomoozebwa okwo, Bukedde egenda kuwandiika emboozi ez'enjawulo ng'abakugu bakulaga obulabe obw'enjawulo omwana bw'asobola okufunira ku mutimbagano oba ku masimu, ate era abakugu naddala abali mu bya ssaayansi ne tekinologiya bakulage engeri gy'osobola okutangira obuzibu buno okutuuka ku mwana wo.


**OMUZADDE BY'ALINA OKUMANYA**

Ann Nassamula, omukugu mu kulambika ku nkula y'abaana okuva mu kitongole kya Center for Domestic Violence Prevention (CEDOVIP) agamba nti : Omulamwa Bukedde gw'ereese ogw'okulaga obulabe omwana bw'asobola okufunira ku masimu, ku mutimbagano oba ne ku ttivvi mulungi nnyo era gujjidde mu kiseera ekituufu.

Enkulaakulana mu bya tekinologiya eriwo, ate ezze n'okusoomooza kwayo, abaana bafunidde ebizibu ku mitimbago ng'abamu n'ebiseera byabwe eby'omu maaso bisaanyeewo. Ku masimu okwo kuliko 'appu' ez'enjawulo ng'omwana bw'azigendako zisobola okumukyusa endowooza.

Mu ngeri y'emu 'appu' ez'ebyempuliziganya eziri ku masimu, zisudde abaana mu buzibu obutagambika ng'abamu basikirizibwa n'okwenyigira mu bikolwa eby'obwenzi, abalala bayize okukozesa ebiragalalagala, abalala babawambye ne basaba bazadde baabwe ssente ezitagambika okusobola okubata nga bwe balemererwa okuzisasula abamu batuusibwako n'ebizibu ebirala.

Nnina essuubi nti, nga Bukedde bw'egenda okulaga okusoomoozebwa kuno kwe tulina, abakugu bajja kwongera okutulaga ku mize n'obulabe obulala abaana bwe bafunira ku masimu ate n'okusala amagezi ku ngeri gye tuyinza okutangira abaana baffe obutayonoonekera mu mbeera eno.


Ann Nassamula.

Kyokka ekisinga okubukulu mu mbeera eno, be bazadde okufuba okuwa abaana baffe obudde, Bukedde ne bw'anaakulaga obulabe omwana bw'asobola okufunira ku masimu ne ku mutimbagano naye ggwe omuzadde n'otowa mwana wo budde na kulondoola by'akola, asobola okufuna obuzibu obuba bw'ogeddwaako nga tomanyi.

Mu ngeri y'emu ensi nga bw'eri ya tekinologiya, naawe omuzadde gezaako okumanya ebigenda mu maaso ku mutimbagano, osobole okuwabula omwana nga nawe olina ky'omanyi. Bw'osalawo n'ogulira omwana essimu eya 'seereza' aba ttaabu, naawe kakasa ng'obaako ky'ogiyigako.

Mu kusala amagezi okumutangira okulaba by'otoyagala alabe, waliwo 'appu' ez'enjawulo eziriwo z'osobola okuteeka ku ssimu yo ng'omwana bw'abaako omukutu gw'abikkulira ku ssimu ye, ggwe omuzadde ng'olina kusooka kukkiriza oba agende ku mukutu.

## Answers to Bukedde Holiday Companion ISSUE 10

**MATHEMATICS P5**

**ENGLISH P5**

1. Friendly
2. passengers

**SCIENCE P5**

1. Potential energy is a type of mechanical energy

**ENGLISH P6**

1. Yes, please, Chloe

**SCIENCE P6**

1. To sieve food from water